# Abasawo abakyagezesebwa beemulugunya lwa Gavt. kubaggyako nsako

Bya PONSIANO NSIMBI
ne EDWARD LUYIMBAAZI

ABASAWO abakyagezesebwa bakiikidde Gavumenti ensingo ku kŷokulekera awo okubawa ensako gye babade bafuna nga bakyagezesebwa mu malwaliro ga Gavumenti.

Bagamba nti, kino kyakubamalamu amaanyi mu kukola emirimu gy'obusawo ekiyinza okukosa abalwadde.

Okwemulugunya kuno baakukoze mu nsisinkano gye baabaddemu n'abakulira ekibiina ekigatta bannamateeka mu ggwanga ekya Uganda Law Society ku kitebe kyabwe mu Kampala.

Pulezident w'ekibiina ekitwala abasawo ekya Uganda Medical Association, Dr. Frank Asiimwe yategeezezza nti, abasawo abali mu kugezesebwa baba tebakyali bayizi kubanga yunivasite ziba tezikyabavunaanyizibwako era bawandiisibwa mu kakiiko ka Uganda Medical and Dental Practitioners Council era batwalibwa nga abasawo.

Yagambye nti, Gavumenti bw'eba teyagala kubasasula, erina okukomya okubakozesa mu malwaliro gaayo.

Yasuubizza okutuula ne basawo banne bekkaanye ebbago lino, balabe engeri gye bayinza okulitereeza ku lw'obulungi bw'abasawo bano abali mu kugezesebwa.

Pulezidenti w'abasawo abali mu kugezesebwa, Dr. Jacob Mwanda yagambye nti, kino kyakoleddwa mu mutima mubi era Gavumenti tesuubira basawo kusigala mu malwaliro gaayo nga tebasasulwa kuba nabo balina ebyetaago ng'abantu.

Eyaliko Pulezidenti w'ekibiina kya Uganda Medical Association, Dr. Ekwaro Obuku yategeezezza nti, emirimu egikolebwa abasawo, gizza amagoba mangi eri Gavumenti okusinga n'ensako entono gye babadde basasula abasawo bano. Kwe kusaba Gavumenti ekwate ssente z'egenda okufissa ku kuggyawo okujaguza ennaku enkulu, zisasulwe abasawo bano.




Omumyuka wa Pulezidenti wa Uganda Law Society Anthony Asiimwe (owookubiri ku kkono) ng'ayogerako ne Dr. Frank Asiimwe (owookubiri ku ddyo). Ku kkono ye Dr. Obuku Ekwaro ate ku ddyo ye Dr. Stephen Lutoti.